# **Okugattibwa ne Kristo** – Union with Christ [1] Luganda – English

Translation by Pastor Freddy Mutebi, Truth Gospel Church, Masaka, UGANDA

| **Okugattibwa ne Kristo** | **Union with Christ** |
|---|---|
| Mukiseera omuntu walokokera, omukristaayo omulokole ayingira mu kugattibwa kw'Omwoyo wamu ne Yesu Kristo era asigala mu kifo ekyo emirembe n'emirembe.<br>"Amazima ku kifo kyo" gwe mutwe ogusimbiddwa mu kisaawe ky'okusomesa Baibuli ku ssomo erikwaata ku kifo ky'omukristaayo omulokole mu oba okugattibwa ne Yesu Kristo.<br>Okugattibwa ne Kristo kireeta emikisa mingi nnyo eri omukkiriza. Emikisa gino gisobola okukozesebwa era omukkiriza agyeyagaliramu ekiseera kyonna eky'obulamu bwe era n'okweyongerayo mu butaggwaawo.<br>Ekikula kye kifo ky'omukkiriza mu Kristo kyalangirirwa Mukama waffe Yesu Kristo yennyini:<br>1. Bwe yabuulira ku mugaati ogw'obulamu. Yok 6:56.<br>2. Bwe yabuulira ku Musumba omulungi Yok. 10:16 era<br>3. Ne mukubuulira kwe mu kisenge waggulu Yok 14:20.<br>Omukristaayo agattibwa mu mwoyo okuyingira mu Kristo okuyita munkola ey'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu. Enkola zino ziragibwa mu 1Kol 12:13 ne Bag: 3:27, 28. (okuyita ku mbatiza zino omusanvu eza Baibuli zituyamba okutegeera okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu). | At the time of his personal salvation, the Christian believer enters into a spiritual union with Jesus Christ and remains in that position forever. "Positional Truth" is the formal title for that wide class of Bible teaching on the subject of the Christian's position in or union with Jesus Christ.<br>Union with Christ makes available to the believer a great number of spiritual benefits. These benefits can be used and enjoyed continuously during the believer's remaining lifetime and will continue into eternity.<br>The nature of the believer's position in Christ was foretold by the Lord Jesus Himself: (1) in the Bread of Life discourse, JOHN 6:56; (2) in the Good Shepherd discourse, JOHN 10:16; and (3) in the Upper Room discourse, JOHN 14:20.<br>The Christian is placed spiritually in Christ through a mechanism known as the Baptism of the Holy Spirit. These mechanics are described in 1 COR. 12:13 and GAL. 3:27,28. (A study of the seven baptisms of the Bible is a prerequisite to an understanding of the Baptism of the Holy Spirit.) |
| Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu kwalangirirwa Kristo mu Bik. 1:5,8. Kuno kwasooka kubeera ku lunaku lwa Pentekoote, Bik 2:1-4 gerageranya ne Bik 11:15,16. N'olw'ekyo, abakkiriza bazooka okugattibwa ne Kristo ku lunaku lwa Pentekoote, ekya kifuula ekyenjawulo eri omulembe gwe kanisa y'abakkiriza. | The Baptism of the Holy Spirit was foretold by Christ in ACTS 1:5,8. This occurred for the first time on the Day of Pentecost, ACTS 2:1–4 cf. 11:15,16. Therefore, Union with Christ was experienced by believers for the first time on the Day of Pentecost, making it an experience unique to Church Age believers.<br>Union with Christ is a fact for all believers, |

[1] Grace Notes, 1705 Aggie Lane, Austin, Texas 78757 USA Email: wdoud@gracenotes.info

| | |
|---|---|
| Okugattibwa ne Kristo kyamazima eri abakkiriza bonna, ob'Omwoyo oba ab'omubiri 1Kol 1:2 gerageranya 1:11; 3:1-4 ekifo ky'omukkiriza mu Kristo kimufuula "ekitonde ekijja" mu Kristo. 2 Kol 5:17.<br>Omukristaayo ali "mu Kristo" era afuuka "kitonde kiggya" olwo nno azaaliddwa ogw'okubiri, omwoyo we aze buggya, era nga alina n'obusobozi okuba n'obumu ne Katonda. "Ebikadde byonna nga bigenze", okufa okw'Omwoyo nga kujiddwaawo laba "byonna nga bifuuse biggya", obulamu obw'omwoyo butandise. | spiritual or carnal. 1 COR. 1:2; cf. 1:11; 3:1–4<br>The believer's position in Christ makes him a "new creature" in Christ, 2 COR. 5:17.<br>The Christian is "in Christ" and has become a "new creature" in that he has a new birth, a new human spirit, and has the ability now to have fellowship with God. "Old things have passed away", spiritual death is done away, and "all things are become new", spiritual life is begun. |
| Okugattibwa ne Kristo kulina amagoba agajja embagirawo eri buli mukkiriza:<br>**Okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri (Regeneration)**<br>Tit 3:5<br>Yok 3:5,6.<br>**Omwoyo Omutukuvu abeera mu bakkiriza**<br>1 Kol 6:19; 3:16.<br>**Omwoyo Omutukuvu kabonero omukkiriza kwategeerewa**<br>Baef 1:13; 4:30.<br>**Okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu**<br>1 Kol 12:13.<br>**Ebirabo eby'Omwoyo**<br>1 Kol 12:11. | Union with Christ has several immediate results for every believer.<br>**Regeneration**<br>Titus 3:5, "Not by works of righteousness which we have done, but according to his mercy he saved us, by the washing of regeneration, and renewing of the Holy Ghost;<br>John 3:5,6, "Jesus answered, Verily, verily, I say unto thee, Except a man be born of water and of the Spirit, he cannot enter into the kingdom of God. That which is born of the flesh is flesh; and that which is born of the Spirit is spirit."<br>**The Indwelling Holy Spirit**<br>1 Cor. 6:19<br>**The Sealing of the Holy Spirit**<br>Eph. 1:13<br>Eph. 4:30<br>**The Baptism of the Holy Spirit**<br>1 Cor. 12:13<br>**Spiritual Gifts**<br>1 Cor. 12:11 |
| Ekikula ky'okugattibwa kw'omukkiriza ne Kristo.<br>• Okugattibwa ne Kristo wekuli ddala, tomala kubaawo kyoyitamu omuntu agattiba ne Kristo nga tamaze kubaako kyawulira (feeling).<br>• Okugattibwa ne Kristo tekikula bukuzi muffe: tokyongerako, tufuna kifune mu | The following is a list of the characteristics of the believer's Union with Christ:<br>• Union with Christ is a fact, not an experience. One is united with Christ regardless of how he feels.<br>• Union with Christ is not progressive; it cannot be improved upon; we receive it |

| | |
|---|---|
| kiseera ky'okulokoka.<br>• Okugatibwa kuno tekwalagirwa; kituweebwa Katonda nga ekirabo mukulokoka.<br>• Okugattibwa kuno kwa lubeerera; tekivaawo; tekwesigamye ku bwesigwa bwaffe; wabula obwesigwa bwa Katonda.<br>• Enjigiriza okugitegeera obulungi kikwetaagisa okuyiga ennyiriri endala eziwerako nga zikwata ku kintu kye kimu. | completely at salvation.<br>• Union with Christ is not commanded by God; it is given as a gift by God at salvation.<br>• This Union is permanent; it will never be taken away; it does not depend upon our faithfulness; it depends on the faithfulness of God.<br>• This doctrine can be understood only with a thorough study of the related Bible passages. |
| Okugattiba ne Mukama Yesu Kristo kikakasa obukuumi obutaggwaawo Bar. 8:35-39, 1Yok 5:11,12; Bar 3:1<br>Okugattibwa ne Kristo bwa lubereera mu kino nti Omukkiriza ayungibwa ne kristo mu bulamu bwe era agabana ne Kristo embeera z'obulamu bwe. Baef 3:1-14.<br>• Tugabana mu kulondebwa kwe Baef 1:4.<br>• Tugabana mu byonna ebirina okumutuukako Baef 1:5,11.<br>• Twafuuuka baana ba Katonda Baef 1:5, Baeb 2:10; Bag. 3:26.<br>• Tufuna obutuukirivu bwa Kristo 2Kol 5:21.<br>• Tugabana mu busika bwa Kristo Bar 8:16,17, Bag 4:7<br>• Tugabana mu butukuvu bwe 1Kol 1:30.<br>• Tugabana ,I bwalabpma bwe 1Pet 2:5,9.<br>• Tugabana mu bwakabaka bwe Kol 1:13, 2Pet 1:11.<br>• Tugabana mu kuzuukira kwe Baef 2:6.<br>• Tugabana mu bulamu bwe: Baef 1:5, Kol 2:13, 1Yok 5:11,12.<br>• Mu ye twanunulibwa era ne tusonyiyibwa ebibi byaffe: Baef 1:7, Kol 1:14. | Union with the Lord Jesus Christ is a guarantee of eternal security, ROM. 8:35–39; 1 JOHN 5:11,12; ROM. 8:1.<br>Union with Christ is current in that the believer is identified with Christ in His life and shares with Christ in certain aspects of His life, Eph. 3:1-14.<br>• We share in His election, EPH. 1:4.<br>• We share in His destiny, EPH. 1:5,11.<br>• We share in His son ship, EPH. 1:5; HEB. 2:10; GAL. 3:26.<br>• We obtain the Righteousness of Christ, 2 COR. 5:21.<br>• We share in Christ's inheritance, ROM. 8:16,17; GAL. 4:7.<br>• We share in His holiness, 1 COR. 1:30.<br>• We share His priesthood, 1 PET. 2:5,9.<br>• We share in His Kingdom, COL. 1:13; 2 PET. 1:11.<br>• We share in His resurrection, EPH. 2:6.<br>• We share in His life, EPH. 2:5; COL. 2:13; 1 JOHN 5:11,12.<br>• In Him we have redemption and forgiveness of sins, EPH. 1:7; COL. 1:14. |
| Mukugattibwa ne Kristo abakkiriza fenna twenkanankana Bag 3:27,28.<br>Okugattibwa ne Kristo kireetera omukkiriza okutuukirizibwa mu maaso ga Katonda: Kol 2:9,10. | Union with Christ makes every believer equal at the point of salvation, GAL. 3:27,28.<br>Union with Christ makes the believer perfect in the sight of God, COL. 2:9,10. |
| EBY'OKULABIRAKO BYA BAIBULI EBIRAGA OKUGATTIBWA NE KRISTO:<br>• Omuzabbibu n'amatabi: Yok 15:1-17. | **BIBLE ILLUSTRATIONS OF UNION WITH CHRIST:**<br>• Vine and Branches, JOHN 15:1-17 |

| | |
|---|---|
| • Omutwe n'omubiri: Baef: 1:22,23.<br>• Kawasa n'omugole : Kub 19:7-9; 21:9; Baef. 5:27.<br>• Omusumba n'ekisibo (endiga) Yok 10:16.<br>• Ejjinja ekkulu ely'okunsonda n'ekizimbe: 1Pet 2:4,5.<br>• Kabona omukulu n'obwakabona: Baeb 4:14, 5:5,6,10 gerageranya ne 1Pet 2:5. | • Head and Body, EPH. 1:22,23<br>• Bridegroom and Bride, REV. 19:7-9; 21:9; EPH. 5:27<br>• Shepherd and Flock, JOHN 10:16<br>• Chief cornerstone and building, 1 PET. 2:4,5<br>• High Priest and Priesthood, HEB. 4:14; 5:5,6,10, cf. 1 PETER 2:5 |
| Okugattibwa ne Kristo gwe musingi gw'enjigiriza y'eby'omwoyo: Bar 6:1-14.<br>Okugattibwa ne Kristo okulabisibwa kwaffe ne Kristo wakusinziira Kol. 3:1-4.<br>Okubatizibwa mu mazzi kilaga okugattibwa ne Kristo. Omukkiriza afananyizibwa ne Kristo mu kufa kwe, okuziikibwa, n'okuzuukira kwe. | Union with Christ is the doctrinal basis for spirituality, ROM. 6:1-14.<br>Union with Christ is the basis for the spiritual technique of occupation with Christ, COL. 3:1-4.<br>Union with Christ is illustrated and testified to by water baptism. The believer is identified with Christ in His death, burial, and resurrection. |